**P335/1**
LUGANDA
**NOVEMBER.2023**
ESSAAWA BBIRI (2)

**SHAPTA JOINT ASSESSMENT BOARD**

**Uganda Certificate of Lower Secondary Education**

LUGANDA
**SENIOR TWO**
OBUDDE: SSAAWA BBIRI (2 Hours)

## EBIRAGIRO:

- Ddamu ebibuuzo byonna mu lupapula luno.
- Okukwata obubi ebibuuzo kijja kukuviirako okufiirwa obubonero.
- Wandiika oluganda olutuufu nga owandiika eby'okuddamu.

## EKITUNDU A

***1.* Soma ekitundu ekikuweereddwa n'oluvannyuma oddemu ebibuuzo ku nkomerero yaakyo.**

Nga bwe twagambye okusooka nti obuwangwa z'empisa, olulimi n'ebyo byonna ebitufuula okuba Abaganda, kubanga we bitali tuba tetukyali Baganda wabula abantu abalala. Twagala abasoma ekitabo kino batandike okwekenneenya ebyo bye twakolanga edda ennaku zino bye tulowooza nti byadiba tulabe oba tebikyagasa. Gamba ng'empisa yaffe ey'okufumbirwa eyedda tesobola kutuwonya nnawookeera webizibu n'endwadde ezitutawaanya nokusingira ddala abavubuka singa tuddayo okuzeekwatako. Tukimanyi nti edda omuntu nga tasobola kumala gawasa oba kufumbirwa muntu gw'atamanyi maka mw'ava . Olwaleero abakyala oba abaami baasisinkana ku nguudo oba ku mikolo ate nga n'empisa zaabwe tezimanyiddwa ne batandika okwagalana n'ekivaamu kufumbiriganwa!! Abawala baafumbirwanga nga mbeerera so nga leero tewali yeekakasa munne okujjako nga bombi omulenzi n'omuwala bamaze kwekebeza mu basawo okukakasa nti si balwadde! Amaka agedda nga kizibu okusasika ng'abakadde n'okusingira ddala ssenga n'omuko nga tebamaze kwetegereza bizibu ebiri wakati w'abafumbo. Ebyengeri eno abavubuka ba leero bye bayita obutali bugunjufu nandiki okuwasa mu bbaala (bars) oba disiko bwe bugunjufu, era ne bafuula enguudo amaka gaabwe. Waliwo okweraliikirira nti abaana bwe balitwala ebifo byaffe baliba baganda nabaki? Mu buwangwa n'ennono zaffe nga mu Buganda tewali kibiina kya baana abo oba eky'enfuuzi kubanga abooluganda n'ebika nga tebakkiriza baana kusigala batyo awatali mwasirizi. Abantu baffe bangi nga ne bannaddiini mwebali bajerega okwabya nnyimbe ate nga abamu bazaabya baakava emagombe. Nga bwe tumaze okulaba, mu nnyimbe abooluganda mwe bamanyira obuzibu muganda waabwe bwe yaleka, omwo nga mwe muli abaana n'obuvunaanyizibwa obulala bwonna. Ani asobola okukumaakuma bamulekwa mu mbeera eno etatuukako we bafiiriddwa wabula okudduka obuddusi ne tuleka abateekwa okubudaabudibwa nga bali batyo ate nga abamu baba tebanneeyatulira?

Mu buwangwa bwaffe nga kiba kivve omuganda n'okusingira ddala omukungu wa Kabaka okulya enguzi; naye katwebuuze mu bugunjufu bwa leero kikyasoboka! Okusanga abaweereza b'abantu abatasooka kulowooleza mu nguzi nga tebannakola mulimu? Ate oba n'alonze ekintu tasola kukiddiza nnyinikyo okutuusa ng'omulenzi amaze kusasulwa!!

Bangi abayigirize era abeerowooza okuba abagunjufu tebakkiririza mu ddagala lyaffe wabula mu lyonna eriva mu bazungu. Eky'ekitalo ate Abazungu bangi balowooza nti

eddagala lyaffe lirina essuubi ddene nnyo mu kulwanisa endwadde bwe kiba nga byetaaga kulongoosaamu. Kale tukole bwetutyo okusinga okusuula obusuuzi ekkula ly'obuwangwa omutonzi lye yatuwa nga tujjukira oba tusaana tumanye nti ensi ezo ze twegomba ezikulaakulanye ate zisinze kwenywereza ku buwangwa bwazo.

**(Kisimbuddwa mu: OBUWANGWA N'ENNONO Z'ABAGANDA.M. Mutyaba ne E. Kituuka)** **Ebibuuzo:**

(a) Okusinziira ku kitundu ky'osomye obuwangwa kye ki? (Obubonero 03)

(b) Mu kuwasa n'okufumbirwa bintu ki ebikolebwa abantu ebitwalibwa okuba 'ngobugunjufu bwa leero'? (Obubonero 04)

(c) Weesibe ku kiba (Paragrah) ekyokubiri olage enkyukakyuka ezizze mu mpisa zaffe ez'obuwangwa. (Obubonero 05)

(d) Omuwandiisi ategeeza ki bwe yeebuuza nti, "………..bwe balitwala ebifo byaffe baliba Baganda nabaki?" (Obubonero 03)

(e) Kintu ki kye tuyigira ku nsi ze twegomba ezikulaakulanye? (Obubonero 02)

(f) Nyonnyola amakulu g'ebigambo bino nga bwe bikozeseddwa mu kitundu ky'osomye.

(Obubonero 04)

- (i) okwekenneenya.
- (ii) mbeerera.
- (iii) mwasirizi.
- (iv) bugunjufu bwa leero.

**Ku buli kibuuzo (g, h, I, j) koppolola eky'okuddamu ekisingako obutuufu.**

(g) Ebyo bye twakolanga edda…………….

- (i) byava ku mulembe.
- (ii) bisaana bikyusibwemu.
- (i) Bitugasa na kati.
- (ii) Birumya nnyo abantu.

(h) "……….abayigirize era abeerowooza okuba abagunjufu……." Kitegeeza nti………… (i) kye bakola bamanyi nti kye kituufu.

(ii) bawalana obuwangwa bwabwe.

(iii) tebalina kye batamanyi.

(iii) Bagezi ekisukkiridde.

(i) Ekintu okuba ekivve…….

(i) kiba kyadibizibwa.

(ii) kiba kinakuwaza.

(iii) kiba kitiisa.

(iv) Kiba kizira okukola.

(j) Abazungu bangi……….

(i) bamanyi obuwangwa bwaffe.

(ii) basekerera ffe abaddugavu.

(iii) tebasudde buwangwa bwabwe.

(v) beewuunya obuwangwa bwaffe.

## EKITUNDU B

2. (a) Maliriza engero ezikuweereddwa nga bwezoogerebwa. (Obubonero 05)

(i) Bbugubugu ……………………………………..…...….

(ii)Kamu kamu…………………………………

(iii) ………………………………yemmere egenda.

(iv) Omukadde waawano tayomba ………………………………

(v) Omuto gy'amanyi ………………………………………

## EKITUNDU C
## Ddamu ebibuuzo byonna wano

3. Ssembajjwe mukulu wo ava Bulaaya gy'amaze ebbanga nga asoma. Olulimi lwe Oluganda yalwelabira era talina yadde kyalumanyiiko. Atandiseewo essomero era tayagala kusomesa baana be Luganda mu ssomero lye mbu ye eby'Oluganda tebirina gye biyinza kutwala baana be. Muwandiikire ebbaluwa ng'omutegeeza ku bukulu bw'okusomesa abaana Olulimi lwabwe mu ssomero lye. (Obubonero 25)

4. (a) Ebintu bingi nnyo ebitutuukako oluusi nga biva ku bintu ebitwetoolodde ewaka. Leeta ebintu kkumi ebisangibwa awaka eby'obulabe olage n'obulabe buli kimu bwe kiyinza okukutusaako. (Obubonero 20)

(b) Kuba omuti (Family tree) eraga abantu abali mu maka gammwe okuviira ddala ku taata wo okutuuka ku asemberayo ddala. (Obubonero 05)

**BIKOMYE WANO**